**24th July 2016.**

# OKUKYAAZA MUKAMA KATONDA.

**Lubereberye 18.**

Mu nsomesa yaffe y'ekigambo kya Mukama okuva mu Lubereberye nsaba twejjukanye mu nti tuli mu kitundu eky'okubiri mwe tubuulirwa ku bulamu bw'omusajja amanyiddwa nga Jjajja w'abakkiriza era nga bwe twaalaba mu ssuula ewedde ye ne mukazi we baali batuumiddwa amannya Ibulayimu ne Saala, abaali bayitwa Ibulaamu ne Salayi, oluvannyuma lwa Mukama Katonda okkola endagaano nabo ey'olubeerera gye yabalagira okunyweeza n'akabonero k'okukomolebbwa kwa buli mulenzi na musajja mu nju yaabwe.

Oluvannyuma lwa Ibulayimu okweyongera oggondera Mukama nga bwe twabuulirwa oguwedde nti tekyaali kyangu kkola, nate tulaba Mukama bwamuddira mu kitundu kino basisinkane, nkiwa mu ngeri nga Yesu Kristo gye yagamba abayigirizwa be mu Yokaana 15:14,15 nti "Mmwe muli mikwano gyange, bwe mukola bye mbalagira. Sikyabayita baddu; kubanga omuddu tamanyi mukama we by'akola; naye mbayise ba mukwano; kubanga byonna bye nnawulira eri Kitange mbibabuulidde mmwe.

[*Tusome ssuula 18……*]

Mu by'okuyiga mu ntabagana ya Mukama ne Ibulayimu eno nsaba tuyigiremu bwekitugwaanidde okukyaaza Mukama Katonda waffe, n'addala okuba nti atuggira olw'okuba tuli mikwano gye be yelondedde yye n'atutuukiriza ku bubwe era nga Yok. 15:16 bwe lugamba nti "Si mmwe mwannonda nze, naye nze nnabalonda mmwe, ne mbateekawo, mugende mubalenga ebibala, n'ebibala byammwe bibeerengawo: kyonna kye munaasabanga Kitange mu linnya lyange, akibawenga."

Okusooka nti tugwaanidde kkitwaala ng'omukisa ogw'omuwendo omungi ogutagwaanidde kusubwa. Bwe tulaba Ibulayimu asituka mangu n'adduka okubasisinkana n'avunnama gyebali n'ab'egayirira obutamuyitako buyisi wabula bakkirize okuwummulirako ewuwe.(nny.2 -5).

Engero 8:17 lugamba nti “Njagala abo abanjagala; N’abo abanyiikira okunnoonya balindaba.” Olwo nga Mukama ageraageranyizibwa n’amagezi, era nga bwe kiri nti Yesu Kristo bwe butuukirivu bw’amagezi ga Mukama Katonda waffe. Olwo ne tusoomoozebwa mu kino nti ebiseera bye tugwaanidde okuba n’ensisinkano ne Mukama Katonda waffe oba mu bwa ssekinnoomu oba mu kibiina tubitwaala ng’omukisa ogw’omuwendo omungi ogutagwaanidde kusubwa?

Eky’okubiri kwe kweewaayo kwaffe okwemalamu okumuweereza mu ngeri essaanidde obulungi ennyo nga bwe tuba tusobozesebbwa okkola. Nga bwe tulaba Ibulayimu akola mu nny.6 -8. Laba obwangu bwakkissaamu, n’omuwendo gwakissaako okulaba nti abagenyi be bafuna akaseera akayitirivu ewuwe! Yali Kabaka Dawudi eyagamba nti ssiisobole kuwa Mukama ssaddaaka etensasuze kintu kyonna,(II Sam.24:24) era tumanyi nti naye yalina omukwano ogwenjawulo ne Mukama Katonda, naye ogwamuweesa endagaano naye ey’olubeerera.
Ekituweesa okusoomoozebwa nti tweewaayo ky’enkanaki oba ky’enkanawa okuba ne Mukama Katonda waffe. Oyo atusuubiza nti bwe tunaaba babiri oba basatu abakuŋŋaanye ku lulwe aggya kuba naffe? Atukubiriza entakera okumunoonya era okwogeraganya naye, naye anaatuyitaba? Mirundi emeka gye tutakitwaala ng’ekikulu?

Ate nga bwe tulaba mu ssuula eno, okukyaaza Mukama kubaamu emiganyulo mingi era emiyitirivu obulungi nga Zabbuli 16 bwegamba…..
Bwe baba balya mu ssuula 18 Lub. 9 ……. Ssi nti baali baagala kumanya wali! Naye bayagala naye kuluno yewulirireko ku kisuubizo ekikulu gye bali…..
Bwe yasekera munda ye mu kubuusabuusa baamanya, wadde yakyeegaana nny.12,13 naye tekyaalobera Mukama kkakasa kye yali asuubizza era nga tumanyi nti bwe kyaaba nga bwe tunaalaba mu ssuula eziggya.

N’ekirala okukyaaza Mukama kutuwa enkizo y’okulokolebwa kw’abaagalwa olw’obusobozi bwa Mukama okwoolesa okwagala kwe gyetuli awamu naffe okumusaba nga bwe twaakirabye mu Yok. 15:14,15. Tukiraba mu nny.17-21…
Era akafubo Ibulayimu kaddamu ne Mukama nkiwa ke kaaleetera Lutti obutazikirizibwa mu Sodomu, wadde ng’era tekyaasoboka kumuggyamu obwa Sodomu obwaamuleetera okuzikirizibwa oluvannyuma.

Naye tulaba okusookera ddala kw'obwegayirizi eri okulokolebwa eri ekiruyi kya Mukama era Mukama kwe yakkiriza kubanga ddala bw'ataasangayo kkumi mu Sodomu era abana yabaggyayo olw'essaala za mukwano gwe Ibulayimu.

Mu Baebbulaniya 13:2 tukubirizibwa nkiwa okuva mu kyetulaba mu ssuula eno n'eddako, okusembeza abagenyi kubanga olw'okwo waaliwo abaasembeza bamalayika nga tebamanyi. Naye ate amazima ageyongera kw'ekyo kwe kuba nti Yesu Kristo kkennyini yasomesa nti buli asembeza asinga obuto mu linnya lye aba nga asembezza yye kkennyini. Mu kukyaaza mwe mwolesebwa okwagala okwannamaddala okulimu okwewaayo n'okwelekereza.

N'ekirala kye tulina okweetegereza kwe kuba nti mu ntabagana zaffe ne Mukama mu mukwano, mwe tufunira obukakafu bw'okuba nti ddala teri kirema Mukama, nga Mukama bwe yakyasanguza mu lnny.14….. era nga bwe kiddibwaamu mu Yeremiya 32:27 nti " Nze Mukama, Katonda w'abantu bonna. Eriyo ekinnema?

N'olw'ebyo byonna nsaba tukitwaale ng'ekikulu okukyaaza Mukama Katonda waffe, ekisoboka lwokka lwe tukkiriza okuba mikwano gye mu linnya lya Yesu Kristo okuba Mukama era omulokozi w'obulamu bwaffe….